Katikkiro teyalina kirowoozo kyonna kya kukozesa lyanyi ku bantu be kubanga yali amanyi bulungi ekikangabwa ekyali kibaguddeko n'engeri gye kyali kibaguddeko ng'amaze okugibategeeza. N'olwekyo teyalina ky'atya ng'omuntu nti ayinza okukolebwa akabi konna okuva ku luuyi lw'abantu. N'alyoka addamu Residenti mu buvumu obw'ekitalo bwati: ***"Okuwandiika abantu abatayagala gavumenti mu kiseera kino, olukalala lenenkana wa? Kubanga abantu bonna banyiivu nnyo olwa gavumenti okukwata Kabaka wabwe. Ate naffe Baminisita baagala kututta nga balowooza nti ffe twamuwaddeyo! Naye nno ka nzireyo era bwe tunaamanya abantu abayinza okuleeta akabi akasinga ku kaliwo kati mu nsi nja kukomawo mbategeeze."*** Olwo Katikkiro ne bamuleka n'addayo.

Baminisita ba Kabaka, mu mazima, baali mu kizibu kinene olw'abantu okubanenyanga nti baali batiitiizi okubatwalako Kabaka nga batunula butunuzi ne batabaako kye bakolawo okumutaasa. Baafunanga amabaluwa mangi agabatiisatiisa n'okubasaba balekulire ebifo byabwe. Ku lunaku lwa December 2, 1953, Katikkiro yayita Olukiiko Olukulu olwa Buganda ne luteesa ensonga n'ebbugumu lingi nnyo, era nga bwe kyali kisuubirwa. Okusooka Katikkiro yalusomera ekiwandiiko ekyali kivudde ewa Resident Buganda nga kibawa emirimu egibadde gikolebwa Kabaka. Kino Olukiiko lwakisambirawo bulambalamba nga lugamba nti omulimu gw'okulonda Baregenti ba Kabaka si gwa lukiiko yadde Resident, nti gwa Ssaabasajja yekka. Lwayisa n'ekiteeso ekikulu ennyo ne lugamba nti ***"Ssaabasajja Kabaka Muteesa akyali Kabaka wa Buganda."*** Omulimu omulala ogwakolebwa mu lutuula lw'Olukiiko olwo kwe kuweereza essimu empandiike eri Omukulu w'Amatwale n'eri Katikkiro wa Bungereza okubategeeza ng'Abantu ba Buganda bwe baali mu nnaku etayogerekeka olw'ekikolwa kya gavumenti ya Bungereza ekitaali kya buntubulamu okukwata Kabaka n'okumuwaŋŋangusa. Ne lumaliriza nga lukakasa nga bwe luwagira Kabaka Muteesa mu ngeri zonna. Essimu endala baagikubira Kabaka yennyini nga bamusaasira byonna bye yali atuuseeko ku lwabwe era ng'emugumya ng'Obuganda bwonna bwe bwali emabega we. Era Olukiiko lwalonda ababaka bano okutwala obubaka obugumya Kabaka n'okuggulawo olutalo olw'okuzza Kabaka ku Nnamulondo ye.



Ababaka baali: ***Matayo Mugwanya***, Omulamuzi nga ye yakulembera babaka banne, ***Eridadi Muliira, Tomasi Makumbi, Apolo Kironde ne Amosi Sempa.***

## MUTEESA ATUUKA MU BUNGEREZA

Muteesa yatuuka mu Bungereza mu budde bwa butiti (Winter) era mu kuva mu nnyonyi omuduumizi w'Amaggye ag'Ennyonyi ye yamuwa ekikooti okwebikkirira ku mpewo eyali emutitimya. Yali tannamanya mawulire ga kufa kwa mwannyina era Omuduumizi w'Amaggye ye yagatyemula. Olwamala okumukulisa olugendo n'amubuuza oba mwannyina yamuleka mulwadde. Muteesa yabuuza mumbejja ki gwe yali ayogerako. Yamutegeeza nga ***Omumbejja Alice Zalwango*** bwe yali amaze okufa! Amawulire gaamukuba wala anti naye yali talina kirala ky'agamanyiiko!



*Mutees n'Omukulu w'Amatwale*

Ng'atuuse gye yali agenda okusula yatandika okufuna obubaka obumukubagiza era ng'omwo mwe mwali n'obwava ewa Gavana Cohen ng'amutegeeza nga bwe yali anyoleddwa ennyo olw'okufiirwa okwo. Nga wayisewo ennaku ntono, Muteesa

yagenda okulabaganamu n'Omukulu w'Amatwale, Mr. Lyttelton, mu bingi bye baayogera, yagezaako nnyo okumusendasenda akkirize okulekulira Obwakabaka kubanga tewaali ssuubi lyonna lya kuddayo mu Buganda ng'omufuzi. Muteesa bino byonna yabigaana.

Mu kiseera ekyasooka Kabaka teyalina nsimbi za kumubeezaawo. Naye Balooya be baatandika okunyonyogera Gavumenti ya Bungereza ebeeko ky'emukolera okusobola okubeera mu mbeera eno gye yali teyetegekedde. Oluvannyuma Gavumenti yakkiriza okumuwanga ensako ya pounds za Bungereza 8,000 buli mwaka naye ng'ezitadde akakwakkulizo ka kumala kuteeka mukono gwe ku kiwandiiko ng'akkiriza nga bwataliddayo kubeera Kabaka wa Buganda.

Abakulu bangi mu Bungereza baamutuukirira nga bamuwa amagezi akkirize ebyo Bungereza bye yali emusaba naye nga ku buli mulundi lw'atuukirirwa yeyongera kukaluba. Buli eyamusabanga akkirize okuleka Obwakabaka ng'amujuliza bantu be e Buganda nga be baalina obuyinza obw'enkomerero oba taliddayo kuba Kabaka wabwe.

## MU LUTALO NNAABAGEREKA YENYIGIRAMU

Nnabagereka ng'ali wamu ne bakyala banne nga ***Pumla Kisosonkole*** (Nnyina wa Nnabagereka omuto muka kitaawe eyava mu South Africa anti nnyina yali yafa dda), ***Edith Nkata*** n'abalala, baasalawo okuyingira mu lutalo lw'okulwanirira Kabaka Muteesa okuzzibwa ku Bwakabaka bwe, Nnabagereka bwe yawulugumya essimu empandiike eri Queen wa Bungereza naye ayingire mu nsonga alabe nga Kabaka akomawoku butaka bwe. Wano eka Nnabagerekayalagaokunyolwakwe bwe yazira okweyisa ng'Abazungu munnyambala bwe yatandika obutayambala biteeteeyi wabula gomesi n'ennyambala endala ey'ekinnansi. N'abakyala abalala ne bakola bwe batyo okwolesa obuyinike bwabwe mu lwatu. Nga balabira ku Nnabagereka n'abasajja nabo ne batandika okwambala mu ngeri etali ya kizungu okwo ne bongerezaako okukuza ebirevu n'obutasala nviiri, ekikolwa eky'obuwangwa ekiraga omuntu ali mu nnaku oba akungubaga.





***Damali Nnabagereka wa Buganda, oluvannyuma lw'okuwaŋŋangusibwa kwa kabaka yeenyigira mu lutalo lw'Okumukomyawo. Awo yali kugumu ku mikolo mu Bulange ng'Obuganda busala amagezi okulwanirira kabaka wabwo***

ESUULA 4

# OBUBONERO BUTANDIKA OKULAGA NTI KABAKA ALIKOMAWO


Ekikulu ekyava mu simu ya Nnabagereka be bantu b'e Bungereza okutandika okumanya ebifa mu Buganda. Singa Nnabagereka yasirika busirisi mu lutalo luno, Gavumenti Enkuumi yali eteekateeka okumugoba mu lubiri e Mengo kubanga naye yali takyabalwa nga Nnabagereka. Naye Nnabagereka bwe yatandika okufuna obuwagizi bw'abantu mu nsonga za Kabaka Gavana ne yeekuba mu kifuba n'ayimiriza ku nteekateeka ze kubanga yalaba nga tekijja kusoboka okumala gasindiikiriza Nnabagereka ensi netatabanguka. Mu ngeri y'emu ne mu Bungereza ebikonge byayo ne bitandika okuvuganya nga biwanyisiganya ebirowoozo ku nsonga za Kabaka.

Nga 2,December 1953, mu lukiiko lwa Bungereza, ***Omwami Hopkins*** eyali akulira Colonial Office, yagamba nti olwokubanga Kabaka yagayaalirira enteekateeka za Gavumenti ya Bungereza ezaali zigenderera okukuza Uganda, yali takyasaana kudda mu Uganda. Ate omubaka ***Fenner Brockway*** n'awakanya endowooza ya Hopkin bwe yagamba nti Muteesa teyali mujeemu mu byonna bye yakola kubanga teyabikolanga ku lulwe wabula ku lw'abantu ba Buganda yonna. Yamaliriza ensonga ze nga ye agamba nti omuntu omutuufu okulekulira ekifo kye yali Mr. Lyttelton, Omukulu w'Amatwale. Ate ***Mr. Hale*** owa Labour Party yebuuza Omukulu w'Amatwale obuyinza bwe yakozesa okuwaŋŋangusa Muteesa gye yabuggya. Omukulu w'Amateka kwe kumuddamu ng'ajuliza Endagaano ya 1900 Akatundu 6 akagamba nti:***"Kasita Kabaka anaabanga omuwulize era n'agondera bulungi Gavumenti ya Queen, Gavumenti ejjanga kumubala nga ye mufuzi munnaansi owa Buganda."***

Yamaliriza ensonga ye nti Kabaka yali agaanye okuba omuwulize okusinziira ku kitundu ky'Endagaano ekyo. Eky'omukisa ababaka mu lukiiko olwo bangi baali tebakkiriziganya na ndowooza ya Gavumenti era okuvuganya ne kuba kwa maanyi nnyo mu lukiiko olwo.



# ABABAKA BA BUGANDA BATUUKA MU BUNGEREZA



***Ababaka Okuva ku kkono***
***Apolo Kironde, Tomas Makumbi , Matayo Mugwanya ne Eridadi Mulira***

Mu December 1953 ababaka abaalondebwa olukiiko ne basitula okugenda mu Bungereza. Omwami ***E.M.K.Muliira*** ye yasookayo era ye yafuuka olutindo wakati wa Kabaka n'abantu be n'okusingira ddala ab'enju ya Kabaka. Ensimbi ezaatwala ababaka abo n'okubabeezayo zonna zaali za Buganda gavumenti newankubadde nga Gavumenti ne Gavana baagezaako nnyo okupikiriza baleme kusasulwa okuva mu ggwanika lya Buganda kubanga Gavumenti ya Bungereza yalowooza nti ababaka abo baali bagenze kukyalira Muteesa ng'omuntu so si Kabaka. Kyali kya mukisa nti Gavana teyalina buyinza bugaana Buganda kukozesa nsimbi okuggyako okukakakasa embalirira eza buli mwaka kyokka. Bwe lutyo Olukiiko lwagenda mu maaso okulagira Gavumenti esasulire ababaka abo mu bujjuvu okwo nga kw'otadde n'ensako ya Kabaka eya buli mwezi

Ababaka bwe baatuuka e Bungereza baasooka kulaba Mukulu wa Matwale, Mr.Lyttelton. Oyo yabamalamu nnyo amaanyi bwe yabagamba nti: ***"Muteganira bwereere. Muteesa tagenda kukkirizibwa kukomawo mu Buganda. Eyo y'ensalawo ya Gavumenti ya Bungereza entongole."*** Newankubadde omukulu yali amaze okukabatema bw'atyo naye bo baagenda mu maaso ne balaba abakulu abalala bangi ab'enjawulo gamba nga, Ab'eKanisa, Ab'ebebitongole bya gavumenti ebitali bimu n'ebibiina ebirala bingi abaabawuliriza era ne bamatira ensonga nnyingi ne batuuka n'okugamba nti tewabangawo babaka kuva mu Africa abaali bannyonnyodde ensonga zabwe n'amagezi ng'ababaka bano. Muteesa naye ku luuyi lwe yakuuma nnyo ekitiibwa kye. Yagaana okugenda nga yeewozaako mu bantu wabula omulimu ogwo yagulekera babaka Olukiiko be lwatuma oba oluusi okubiyisa mu looya we, Mr. Martin Flegg. Kino Abazungu baakisiima nnyo era ne kyongera ettuttumu lya Muteesa ng'omufuzi ow'amagezi newankubadde yali akyali muvubuka nnyo.

Mu bantu abakulu abaayamba ennyo mwe mwali, Archbishop w'e Canterbury, ***Dr.Fisher*** ne ***Max Warren,*** omuwandiisi omukulu owa Church Missionery Society, ***Cardinal Griffin, Mr. Clement Attlee*** eyaliko Katikkiro wa Bungereza, ***Rev. H.M. Grace*** eyaliko Headmaster wa Kings College Budo era omukuza ate omusomesa wa Muteesa, ***Lord Hemmingford*** era ono ye yayanjula ababaka mu kibiina ekya African Bureau nakyo ekyabayamba ennyo ne ***Martin Flegg*** looya wa Kabaka. Oluvannyuma lw'okunnyonnyola kw'ababaka n'okumatiza abantu, Gavumenti ya Bungereza yakkiriza okuwa Kabaka ensako ya pounds 8, 000 awatali bukwakkulizo bwonna.

## KABAKA YERONDERA BAREGENTI

Nga 5 December 1953, Ssaabasajja Kabaka Muteesa yaweereza Katikkiro essimu eyasala Obuganda bwonna ku mugwa eyasoma bweti: ***"Olw'obulungi bw'abantu ba Buganda n'olw'okwagala wabeewo eddembe, obukkakkamu ne gavumenti ennungi, nsuubira nga ggwe Paulo Kavuma, Matayo Mugwanya ne Latimer Mpagi munalayizibwa nga Baregent awatali kulwa. Nneesiga ng'Olukiiko luneeyongera okukola nga bulijjo era n'abantu baneekuuma***



***obutajeema nga bakwata amateeka. Nnumiddwa nnyo olw'okufa kwa Zalwango. Nkusaba onsasirire ab'olulyo lwange bonna. Katonda abakuume. Kino nkikoze ku lwange nzekka olw'obwagazi bwe nnina eri abantu bange."***

***Edward Frederick muteesa.***

Essimu eno yazzaamu nnyo Obuganda essuubi nti ***Bwe kataligirya...***

Nga 8, December, Gavana Sir Andrew Cohen yalayiza Paulo Kavuma ne Latimer Mpagi nga Baregenti mu Secretariate e Ntebe mu maaso g'abakungu abamasaza kumi na mukaaga (16) era ne bateeka ku kirayiro okujulira Matayo Mugwanya eyali e Bungereza mu kiseera ekyo. Ssekukkulu ng'enetera okutuuka olukiiko lwa Bungereza lwaddamu okuteesa ku bya Muteesa era ne lukakasa eky'okumuggyira ddala ku Bwakabaka ng'ekigendererwa kuggyawo Muteesa ng'omuntu eyali awakanya obufuzi bw'amatwale.

Mu February 1954, Gavana Cohen yagenda e Bungereza okuteeseganyamu n'Omukulu w'Amatwale. Nga 23, February Omukulu w'Amatwale yayogerera mu lukiiko olukulu olwa Bungereza era n'agezaako okulumatiza nti teyalina nteekateeka yonna ya kuleeta mu Uganda gavumenti etabika mu bannansi Abayindi n'Abazungu (Multi–racial State) nga bwe kyali mu Kenya wabula okukuza ensi eyo nga ya Baddugavu okutuusa lw'erituuka n'okufuna obwetwaze bwayo nga yeefuga yokka. Olwo yali agezaako okuggyawo okutya kw'Abaganda nti waaliwo enteekateeka okufuga Uganda nga bwe kyali mu Kenya.

Ate wano mu Uganda mu kiseera ekyo kyalangirirwa nga Queen Elizabeth II ne bba, Prince Phillip, bwe yali ajja okukyala era atuukeko n'e Jinja okuggulawo ebbibiro (dam) erikola amasannyalaze eryali lyakamalirizibwa okukolebwa ku mugga Kiyira. Olwawulira okulangirira okwo Olukiiko olukulu olwa Buganda ne luyisa ebiteeso bibiri:

- ***Okukyala kwa Queen kuyimirizibweko kubanga Abaganda* baali tebasobola kwaniriza mugenyi mukulu bw'atyo nga**

**bakyali mu maziga bakungubagira Kabaka wabwe eyali akwatiddwa gavumenti ya Queen yennyini.**

- ***Ennaku bbiri, olwa February 8 ne 9 zibeere za kukungubagira Kabaka.***
  (Mu nnaku ezo zombi Queen mwe yali ajja okukyalira Buganda).

Eky'okuziyiza Queen okukyalira Buganda kyaleetawo ensasagge mu Bungereza ng'abaayo beebuuza nti Abaganda bayinza batya okugaana Queen okukyalira amatwale ge nga bw'ayagala. Ate wano mu Uganda ab'ebitundu ebirala nabo baakiwakanya nga bagamba nti newankubadde baali balumirwa wamu ne Buganda mu bizibu bye yalimu naye nga bo baagala Queen akyale nga bwe yali ategese. Newankubadde ebintu byali bityo ye Queen teyasazaamu lugendo lwe era n'ajja mu Uganda n'aggulawo n'ebbibiro nga bwe kyali kitegekeddwa naye mu Kampala teyajja era n'okugenda e Jinja yagendera mu nnyonyi ng'obukuumi bwe ku luguudo tebwekakasikika.

## OBUGANDA BUKUNGUBAGA

Ennaku ezaalagwa bwe zaatuuka, February 8 ne 9 abantu bonna mu Buganda ne bakungubaga mu lwatu olw'okuggyibwako Kabaka wabwe newankubadde aba Gavumenti Enkuumi baagezaako nnyo okulemesa okukungubaga okw'olwatu. Wabula office za Buganda Gavumenti zo zaggulwawo obutakontana butereevu ne gavumenti eya wakati. Abantu abalala beesumika embugo era mu bungi obw'ekitalo ne beeyiwa mu nguudo za Kampala nga beekalakaasa mu ddembe. Mu kukungubaga kuno, Nnaabagereka wa Buganda lwe yasooka okulabikako ebweru w'olubiri kasookanga Kabaka atwalibwa. Mu kaweefube wa gavumenti Enkuumi okulemesa okukungubaga kuno abaami ba Buganda babiri abaasangibwa nga bakwetabyemu, Resident yabagoba ku bwami bwabwe. Abaami abo baali ***Lameka Sebanakitta*** eyali owessaza ate nga nfa nfe wa Ssaabasajja Muteesa ne ***Yoeri Nnaakuboola*** oweggombolola e Nabweru. Era Sebanakitta olwamugoba yalinnya nnyonyi kugenda Bungereza kwegatta ku Kabaka we ne babeera eyo. Okukungubagira Muteesa kyalaga abantu abatali Baganda n'ab'ebweru wa Uganda ng'Abaganda bwe baalumwa ennyo.



Mu June1954, Gavumenti Enkuumi yagezaako nnyo okulaba bw'eyinza okussa Kabaka omulala ku Nnamulondo ya Buganda. Gavana n'ababeezi be baafuba nnyo okusendasenda abaami abakulu mu Buganda nga babategeeza nga Muteesa bwatagenda kukkirizibwa kukomawo ku Nnamulondo nti nolwekyo eby'okuguguba nti ye Kabaka basaanidde babiveeko, bakolaganire wamu ne gavumenti Enkuumi mu kumatiza Abaganda okulonda Kabaka omulala mu kifo kya Muteesa. Waaliwo n'okutiisatiisa nti bwe bagaana okulonda Kabaka omulala gavumenti yali esobola okuggyirawo ddala Obwakabaka mu Buganda.

Waaliwo abakungu abamu abadda ku luuyi lwa gavumenti, oba olyawo olw'okusuubizibwa ebifo ebisava mu gavumenti ya Kabaka omupya. Era ne mu Balangira n'Abambejja namwo mwalimu abaasemba okulonda Kabaka omulala. Gavumenti bwe yamala okufuna abagisemba, newankubadde baali batono batya, yatandika okukola enteekateeka eziraga nti Kabaka omupya yali kumpi okulondebwa. Resident Buganda yawandiikira Baregenti ebbaluwa nga ya kyama nga abalagira okugoba Nnabagerka mu Lubiri lw'e Mengo addeyo ewa Kitaawe kubanga Gavumenti yali tekyamubala nga Nnabagereka. Era Baregenti baalagirwa okukozesanga emmotoka za Kabaka mu mirimu gy'Obwakabaka emitongole. Wano Residenti yakootakoota mu ga lumonde kubanga ne bwe kyalibadde ki Abakulu abo tebandiyinzizza kukozesa mmotoka za Kabaka anti nazo ziringa kiwu kya Kabaka omukopi kwatayinza kutuula okuggyako nga Kabaka yennyini y'alagidde.

## MULIIRA AYANIKA RESIDENT

Omuntu ataategerekeka yaddira kopi y'ebbaluwa ya Resident n'agiweereza Muliira mu kisera ekyo eyali mu Bungereza. Muliira olwagifuna naye n'agiweereza ab'olupapula lw'amawulire olwali lusinga okukuba ebintu bya Buganda, oluyitibwa Observer era nga 6, June nalwo ne lufulumya amawulire nga lugyogerako bwe luti:

***"E.M.K.Muliira, omubaka w'Olukiiko eyatumibwa eri Kabaka mu London, atutegeezezza nga gavumenti ya Uganda bwe yetulinkirizza ne yeyingiza mu by'olubiri lw'Obwakabaka bwa Buganda. Era olunaku lwa jjo yatulaga kopi y'ebbaluwa omubaka wa Gavana gye yawandiikira Baregenti bagobe abaweereza ba***

*Kabaka bonna okuva mu lubiri ng'omwo mwe muli Nnabagereka ne muwalawe omuto ennyo, Dorothy Nassolo. Okuva ku bbaluwa eno kirabika Nnabagereka agobeddwa mu lubiri naye Muliira agamba nti kikafuuwe Nnabagereka okufuluma olubiri ne bwe kinaaba ki okuggyako olw'empaka. Nti ate kasita Gavana anaakozesa empaka okufulumya Nnabagereka ng'omutawaana guzze. Baregenti era balagiddwa okukozesa emmotoka z'Obwakabaka nga bali ku mirimu emitongole. Muliira agamba nti kino kya muzizo mu mpisa z'Abaganda. Okulagira Baregenti okutambulira mu mmotoka za Kabaka kuba ng'okulagira omukopi okutuula ku Nnamulondo yennyini. Muliira agamba nti Resident avuddeyo bulambalamba okuwagira George Mawanda, mugandà wa Kabaka Muteesa, okulya Obwakabaka bwa Buganda. Kyokka abantu aba bulijo balumbye Resident olw'ekikolwa kye kino era alabika nga anaatera okuva ku nteekateeka ye naye gyo emitima gy'abantu gitabanguse nnyo olw'ekikolwa kino.*

*Awo Muliira we yebuuliza abantu kye bayinza okukola nga balaba ebikolwa eby'obujoozi nga kino nga bikolebwa gavumenti ya Uganda.Ekyangu kye bayinza okugamba nti Gavumenti ya Queen egenderedde okugoba Nnabagereka mu lubiri yeteekereteekere okulonda Kabaka omulala. Naye kisaana kimanyibwe nti gavumenti terina buyinza bwonna kugoba Kabaka wa Buganda yadde okulonda omulala. Obuyinza bwonna buli mu mikono gy'Abaganda nga bayita mu lukiiko lwa Buganda era obuyinza obwo bwakakasibwa mu Ndagaano ya 1900."*

Ate n'ab'ekibiina ky'obufuzi, Uganda Nationala Congress, baayisaawo ekirangiriro eky'obutagula mu Bagwiira. Kino baakikola okulwanyisa gavumenti y'Abafuzi b'Amatwale okuwaŋŋangusa Kabaka n'omu ku bakulu b'ekibiina kyabwe, Joseph (Jolly) Kiwanuka gwe yali esibidde mu Arua. Abantu baalagirwa okugula ebintu ebyo byokka ebyali byetaagibwa ennyo olw'obulamu okubaawo ate nga babigula mu maduuka ga baddugavu bokka. Ekiragiro kino kyakola mu myezi esatu gyokka Abayindi ne bawalirizibwa okwamuka ebyalo gye baali balina amaduuka gaabwe ne basengukira mu bibuga ebinene, ekintu ekyakosa ennyo gavumenti bwe yafiirwa emisolo n'empooza ebyavanga mu Bayindi.



## EKIWANDIIKO KY'ABABAKA B'OLUKIIKO

Ababaka b'Olukiiko abaatumwa e Bungereza nga batuuse eyo baafulumya ekiwandiiko luvookwaya mwe bannyonnyolera ensonga zonna ezavaako Kabaka ne Gavana obutategeeragana. Mu kiwandiiko kino baagezaako nnyo okulambika ensonga mu butuufu bwazo n'okusangulawo ebyo ebyali bijwetekeddwa ku Kabaka ebyalabikira mu kiwandiiko kya Gavana kye yatuuma, *"Withdrawal of Recognition from Kabaka Muteesa of Buganda".* Ezimu ku nsonga ezaalimu kiwandiiko ky'ababaka zaali bwe ziti:

- ***Bannyonnyola ensonga ezaali zimaze ebbanga nga zeeralikiriza Abaganda ne Kabaka wabwe ng'eya federation ya East Africa n'Abagwiira abaali beefuze obusuubuzi n'eby'enfuna ya Uganda nga tewalabikawo nteekateeka yonna mu gavumenti eraga nti Abaddugavu nabo balisobola okuvuganya n'Abagwiira mu busuubuzi bw'Eggwanga lyabwe.***

- ***Ku nsonga y'ababaka ba Buganda obutakiika ku Legico baagamba nti tegwali musango gwa Kabaka wabula yagaana okubalonda ng'asinziira ku magezi agaamuweebwa Olukiiko olukulu olwa Buganda olw'okutya nti mu Legico Abagwiira mwe baali bayinza okuyita okutwala obufuzi n'okuwaŋŋama ku Baddugavu. Baayongerako n'okutya nti Legico yali erabika ng'ekkubo eritwala Buganda mu gavumenti ey'ekipooli (unitary) songa Endagaano ya Buganda eya 1900 yali eraga enkola eya federal state Abaganda gye bakkiriziganyako olubereberye okusobola okukuuma ebyabwe eby'obwebange ng'empisa n'obulombolombo ebikuuma Obwakabaka bwabwe.***

- ***Okusaba okwefuga kwa Buganda nga bwe kyalabikira mu bbaluwa ya Kabaka eya 6, August 1953 byali birowoozo by'abantu be nga biyisibwa mu nkiiko ez'enjawulo okuva mu bantu be. Kino kyali tekisaana kulowoozebwa nti Kabaka yali akolerera kwawula Buganda ku Uganda kubanga era tewali we yalifunidde birowoozo bya Uganda. Ku ky'okugatta Buganda***

***ku Uganda baayogera ku nkuŋŋaana Kabaka ze yali atandiseewo ne Bababka banne e Hoima mu October wa 1953.***

Ababaka baakola ebintu ebirala bingi ng'okwogera buli wantu, okuwandiika mu mpapula z'amawulire n'okulabagana n'abantu abakulu abatali bamu. Mu bantu abakulu ate ab'omugaso be baalaba ye looya omukugu ennyo, ***Kenneth Diplock Q.C.*** eyayamba ennyo mu nsonga zino. Yali Diplock eyawa ababaka amagezi okuggulawo omusango mu ngeri y'obukujjukujju era ng'omusango ogwo bwe gwasalibwa ne gukyusa ensonga okutuusa Bungereza okusalawo ku kye yali esoose nti Muteesa tagenda kudda mu Buganda nate nga Kabaka. Ababaka abo baamalira ddala emyezi esatu mu Bungereza nga basala amagezi okulaba nga Bungereza ekyusa ku kusalawo kwayo mu nsona za Kabaka. Ku lwa 23, March 1954 baakomawo mu Buganda. Ekyasinga obukulu mu alipoota yabwe ge magezi ag'okuzza Kabaka agaabaweebwa nga bakoze bino:

- ***Okuwaaba omusango mu Kooti.***
- ***Okusaba gavumenti ya Bungereza eteekewo akakiiko, Royal Commission, keetegeeze Endagaano ya 1900 oba nga ye yavaako obuzibu.***

## PROFESSOR HANCOCK (WANKOKO) ATUUKA MU BUGANDA

Ku nsonga y'okwekenneenya Endagaano ya 1900 Bungereza teyalonda Royal Commission kubanga yali emaze okusalawo okulonda omukugu mu by'enteekateeka z'eby'obufuzi ajje mu Buganda ateeseganye n'ababaka b'olukiiko lwa Buganda okukolawo endagaano empya edde mu kifo ky'eya 1900 eyali erabise nga tekyatuukana n'enfuga eyaliwo mu Buganda mu kiseera ekyo. Omukugu ono yali Professor Keith Hancock eyalina ettutumu eddene ennyo era abaamutuma baamusuubira okukola omulimu ogwo awatali kyekubiira. Naye wano mu Buganda abantu bangi tebaamusiima kujja mu kiseera ekyo era Olukiiko kata lugaane okulonda ababaka baalwo nga baagala Ssaabasajja amale kudda mu nsi ye balyoke balowooze ku by'okukola endagaano empya. Abantu baali batya nti endagaano bw'ekolebwa nga Kabaka taliiwo



osanga nayo ekakasibwa abakopi nga bwe kyali ku ya 1900. Naye ababaka abaatumwa e Bungereza baakola kinene okumatiza olukiiko kubanga ekiseera kye baamala mu Bungereza baamanyira ddala nga tewakyali ngeri yonna Bungereza gy'erikyusaamu kye yasalawo okuggyako nga wakolebwawo endagaano empya. Era ensonga zaabwe zannyikira bulungi Omubaka E.M.K.Muliira bwe yakomawo n'ategeeza olukiiko nti ne Ssaabasajja yasiima okujja kwa Professor Hancock. Olwo nno olukiiko ne lulyoka lukkiriza okulonda ababaka ab'okuteesa n'Omukugu.



***Akakiiko ka Wankoko***

Akakiiko akaalondebwa kaatuumibwa, ***Buganda Constitutional Committee*** nga kaliko bano:

1. Owekitiibwa Matayo Mugwanya, Ssentebe
2. Rt. Rev. Archbishop J.Kiwanuka
3. Omwami Apolo K. Kironde, Looya
4. Mons. J.Kasule
5. Omwami Yusufu K.Lule, Omusomesa e Makerere
6. Dr. E.B.Kalibbala, yava mu America
7. Omwami Yosia Kyazze

8. Omwami J.G.Seŋŋendo Zake
9. Father J.K.Masagazi
10. Omwami J.P.Musoke, Owessaza Kyambalango
11. Omwami T.A.Makumbi, Omusomesa Makerere College School
12. Omwami E.M.K.Muliira
13. Omwami E.Z.Kibuuka(Omuwandiisi w'ekitabo kino)

Professor Hancock yatuuka mu Uganda nga 22, June 1954 era yayanirizibwa Gavana Cohen ne Katikkiro Kavuma ku kisaawe ky'ennyonyi e Ntebe. Gavana bwe yali ateekateeka okutwala omugenyi mu Government House, Hancock n'amutegeeza nga bw'agenda okusula e Namirembe mu maka ga Bishop Brown, Omulabirizi wa Uganda. Era n'ategeeza Gavana nga bw'agenda okusooka okuteesa n'ababaka b'Olukiiko nga tannateesaamu na Gavana. Omukugu yayagala okulaga nti yali tagenda kwekubiira mu nsonga zino ekitaalirabise bulungi singa yasalawo okusula ne Gavana.

Enkeera Hancock yagenda e Mengo okusisinkana Olukiiko lwa Buganda. Ng'ali mu lukiiko, Katikkiro Kavuma yamwaniriza era n'amutegeeza ng'abantu ba Buganda bonna bwe baali mu nnaku olwa Gavumenti ya Bungereza okubaggyako Kabaka wabwe. Yamukakasa nga Abaganda bwe bakyabala Muteesa nga Kabaka wabwe era nga baagala akomezebwewo ku Bwakabaka bwe amangu nga bwe kisoboka. Yamaliriza ebigambo bye ng'alaga nga bw'alina essuubi nti taaleme kubayamba mu lutalo lwabwe olw'okuzza Muteesa mu Buganda. Sir Hancock bwe yasituka okwogera yatandika bw'ati:
***"Nzize okukola omulimu guno nga ndi wa ddembe kubanga siri mu nkwawa ya muntu yenna. Singa Gavumenti eneegezaako okuyingira mu ddembe lyange sijja kugikkiriza. Mpuliddeko nga waliwo abataaliyagadde nteeseganyemu n'abantu balala, naye n'ekyo sijja kukigoberera. Ate osanga ng'aba Gavumenti Enkuumi bajja kubaawo n'ebintu ebimu bye batasiima mu nkola yange, naye nga bweŋŋambye nti ndi wa ddembe kinsaanira okusalawo nga bwe ndabye ekituufu, awatali ekyo sirina mugaso gye muli. Kindabikira ng'Abaganda mu nkolagana yabwe ne Gavumenti ya Uganda baava mu kkubo ettuufu era ng'ekkubo eryo tebakyasobola kuliraba. Naye nsuubira nga tuli wamu n'akakiiko ka Buganda Olukiiko be lwalonze, tunaasobola okudda mu kkubo eryo ettuufu."***



Baamukubira nnyo mu ngalo nga bagamba nti, ***"wamma Wankoko musajja mugezi nnyo."*** (Abaganda baakaluubirirwa erinnya lya Hancock ne bamuyita ***Wankoko).*** Olutuula olwasooka nga luwedde, Katikkiro Kavuma yatwala omugenyiwe mu office ye ne boogeramu. Yamunnyonnyola bingi ku bizibu bya Buganda era n'amugamba nti ekikulu Buganda kye yali yetaaga kwe kuddizibwa Kabaka waayo newankubbadde eky'okumuzza tekyali mu bye yali atumiddwa okukola. Kavuma yakakasa ensonga ye nti bwatalikola ku nsonga ya kuzza Kabaka okujja kwe kwali tekujja kuba kwa mugaso n'akatono. Ensonga y'emu n'ab'Akakiiko gye baamutuusizaako okumugamba n'okumulumiriza. Naye ng'omuntu ow'obuvunaanyizibwa, Hancock teyayagala kwasanguza bye yali alowooza ne kye yali ayinza okukola okuyamba ku bya Kabaka, wabula yaddamu ng'alaga okulumirwa awamu ne Buganda era n'asuubiza nti bw'aliba azzeeyo e Bungereza talirema kuteesa na Mukulu w'Amatwale ku nsonga eyo gye yali ategedde nga bwe yali eruma ennyo Obuganda.

Akakiiko ka Hancok, akaayitibwa ***Namirembe Conference***, kaatandika okuteesa nga 23, June 1954 nga katuula mu nnyumba ya Bishop Brown, Omulabirizi w'e Namirembe.Sir Hancock yasooka n'atuula n'ababaka b'Olukiiko ne bateesaamu era ne bamutegeeza nga baali bamusuubiramu okubayamba okuzza Kabaka wabwe ku Nnamulondo. Yabategeeza nti yali agenda kufuba nnyo okunnyonnyola Gavumenti ya Queen ku nsonga eyo naye n'abategeeza nga bwe kyali ekikulu ennyo okumala okukkiriziganya ku nfuga ya Buganda eyo mu maaso, ng'edda mu kifo ky'Endagaano ya 1900 okusobola okuggyawo ebizibu ebyatuusa Kabaka okumuwaŋŋangusa. Bwe baali bakatandika okuteesa ne balanga mu mawulire nga basaba abantu babawe ebirowoozo birowoozebweko era oba bisaana biteekebwe mu ndagaano ya Buganda eyali eteekebwateekebwa.

Oluvannyuma lw'ababaka okuteesa ne Hancock kumala ssabbiiti nnamba era nga bamaze n'okuzuula ensonga 49 ez'okuteesaako, Gavana

ng'ali wamu n'abamu ku basajja be babiri, J.P.Birch, Resident Buganda ne S.W.Kulubya, baagenda ne beegatta ku kakiiko okutandika okuteesa n'ababaka. Nga Hancok ye ssentebe, akakiiko kaatuula okuva nga 30, July okutuusa nga 17 September 1954. Ebiteesebwa byonna byabanga bya kyama okutuusa nga kamalirizza omulimu gwako gwonna. Ababaka beewuunya okuteesa kwa Gavana okwalinga okw'amagezi ennyo ate era ne ku luuyi lw'ababaka yaliyo abateesa emmekete nga Apolo Kironde, Yusufu Lule, Eridad Muliira ne Archbishop J. Kiwanuka.

Okuva mw'ebyo bye yalaba ne bye yawulira, Professor Hancock bwe yaddayo e Bungereza ye yasinga okumatiza Omukulu w'Amatwale nti singa Muteesa takkirizibwa kudda ku Bwakabaka, Olukiiko lwa Buganda lwali terugenda kukkiriza kuyisa Ndagaano ya Buganda gye baali baakamala okukola. Ate Kabaka Muteesa ng'ali mu Bungereza naye yamanya bingi ebyafa mu office y'Omukulu w'Amatwale era naye oluvannyuma yagamba, mu kitabo kye ***Desecration of my Kingdom,*** ng'Omukulu w'Amatwale naye bwe yakola ennyo okulaba ng'adda ku Nnamulondo ye.

Proessor Hancock nga tannaddayo e Bungereza, ng'amalirizza omulimu ogwamuleeta kuno, yategeeza olukiiko ensonga zino ssatu, enkulu ennyo, mu ngeri y'okulumirwa ebiseera bya Buganda ebyo mu maaso:

- ***Eby'okwefuga kwa Uganda (Independence) mulekere awo okubyeraliikirira kubanga Bungereza emaze okusalawo okuta amatwale gaayo gonna g'ebadde efuga era mu bbanga ttono Uganda ejja kwefuga.***

- ***Mutegeeze Olukiiko lwammwe lukkirize okulonda ababaka abagenda mu Legico okwefuga kwa Uganda kulyoke kutuuke ng'Abaganda be bakulembeze mu lukiiko olwo. Naye bwe muligaana okukiika ku lukiiko olwo Buganda egenda kusigala mu bya bulombolombo (traditions) ng'obuyinza abalala babubatutteko.***

- ***Kirungi olukiiko lukkirize Kabaka ave mu lwokaano lw'eby'obufuzi. Bwe mutalikola ekyo kiriyinzika gavumenti ya Uganda eribaawo okuddamu okumuggya ku Bwakabaka bwe. Era eby'obufuzi bwe birigenda bikula mmwe bennyini mulirabiraawo nga mumweggyiddeko mwekka.***



Ensonga ezo ababaka tebaazituulira naye baazitegeeza Olukiko lwa Buganda n'abantu abalala abaali basaanidde okuzimanyako. Naye kya kusaalirwa tezaatwalibwa mu mwoyo Professor gwe yazoogereramu era oluvannyuma, n'okutuukira ddala mu kiseera we mpandiikidde ekitabo kino, kirabika nti singa zaategeerwa era ne ziteekebwa mu nkola oba oli awo ebizibu bya Buganda byalibadde birala so si nga bwe birabika nga byekuusa ku nsonga Professor ze yasiinyako. Nga bwe tunaalaba mu maaso eyo, Olukiiko lwagendanga lugaana okwetaba mu Legco so nga lwali lukitegeddeko nti obuyinza obufuga Uganda ne Buganda bwali mu lukiiko olwo.


## OMUSANGO GWA KABAKA

Apolo Kironde yatendebwa obuzira mu kuggulawo omusango guno, kubanga abakulu ba Gavumenti y'e Mengo awamu n'abantu abalala mu Buganda baali batidde nga bagamba nti tekisoboka kuwawabira Gavana, omubaka wa Queen ye yennyini eyawaŋŋangusa Kabaka ate n'owoza naye mu kooti nga nayo y'agifuga, n'osuubirayo ebirungi? Kironde, mu mbeera eyo, yatawaana nnyo okufuna abajulizi abeewaayo okuyimirira mu musango ogwo ku lwa Kabaka. Abakungu ba Gavumenti Enkuumi olwawulira nti Kironde yali ateekateeka okuggulawo omusango nabo ne bakwata wansi ne waggulu. Amateeka gaabikkulwa n'essimu ne ziwulugumizibwa eri Omukulu w'Amatwale nga bagezaako okuziyiza omusango okuwaabwa.

Mu buvumu obw'ekitalo, Apolo Kironde yamaliriza byonna bye yalina okukola era nga 27, July 1954 yawaaba omusango ogwakola ebyafaayo (Civil Case No. 50/1954) nga gugamba bwe guti:

- ***Ekikolwa kya Gavana eky'obutabala Muteesa II ng'omufuzi munnansi owa Buganda, kimenya mateeka era kyasukka obuyinza bwa Gavana, nolwekyo kiteekwa kusazibwamu.***
- ***Abawaabi, Semu Mukwaba, Juma Tomusange ne Rafairi Kasule, bonsatule nga babaka ba Kabaka be yerondera ye***

*yennyini, baawawabira bannaabwe, Daudi Mukubira, Matiya Kafeero Wamala, Andereya Nyanzi ne Yaake Kyazze olw'okutuula mu lukiiko nga tebannakakasibwa Kabaka.*



*Ba looya ba Buganda, Diplock ne Dinglefoot baaniriziibwa mu Buganda*

Olwokubanga omusango gwali guvunaana Gavumenti Enkuumi, Attorney General wa Uganda, Mr. Dreschfield, naye kye yava yegatta ku bawawabirwa era ne Gavumenti ya Queen nayo yali ku luuyi olwawawabirwa. Okuwozesa omusango kwatandikira mu London nga 2, September 1954 mu High Court of Justice, Queen's Bench Division, Room 105. Kabaka naye yayitibwa n'ayokebwa obubuuzo eby'okumukumu ba pulida, Keneth Diplock ne Dingle Foot, aba Buganda ne Dreschfield, Attoney General, owa Uganda mu maaso g'Omulamuzi Justice William Meredith. Kabaka yabuuzibwa ebibuuzo okumalira ddala ennaku bbiri.

Mu Kampala omusango gwatandika okuwulirwa nga 27, September 1954 mu maaso g'Omulamuzi Omukulu owa Uganda, Justice J.B.Griffin. Bapulida ba Buganda baali, Keneth Diplock, Dingle Foot ne Apolo Kironde at ku luuyi olwa Queen yaliyo, Attoney General Dreschfield, Chapman, Starforth, Ashbrooke ne Rushford. Mu kuwulira omusango



guno Kooti yajjulanga bugule abantu ab'enjawulo nga ne Nnabagereka wa Buganda tabuzeemu okuwulira omusango ogwali gutawulirwangako mu byafaayo bya Buganda ne Uganda. Oluuyi lwa Buganda lwaleeta Abajulizi musanvu:

- Matayo Mugwanya, Omulamuzi wa Buganda
- Mikairi Kintu, Owessaza Mukwenda
- Bulasio Kavuma ,Owessaza Ssebwana,
- Andereya Kyemwa,Owessaza Kayima,
- Hamu Kamya, Omukulu w'e Kibuga,
- Tomasi Lwabidongo, Owaggombolola,
- Benedicto Kibirige, Omukulu wa Police ya Kabaka.

Ate oluuyi lwa Queen lwo lwaleeta abajulizi bano:

- C.H.Thornley, Chief Secretary wa Uganda,
- J.P.Birch, Resident Buganda,
- Mikairi Kawalya Kaggwa
- Joswa Kate Kaamulegeya, eyali Mugema wa Buganda.

## ENSALA Y'OMUSANGO

Nga 4, November 1954, lwe lunaku mulindwa Omulamuzi lwe yalonda okusalirako omusango era nga bwe kyali kisuubirwa abantu baava e Bule n'e Bweya okujja okubaawo mu Kooti ng'Omulamuzi atyeemula omusango. Bino by'ebikulu ebyali mu nsala:

***Kabaka Muteesa II yamenya Endagaano ya 1900 bwe yagaana amagezi Gavumenti Enkuumi ge yali emuwa mu by'obufuzi bwa Buganda. Wabula mu kuggyako Kabaka, Gavana yakozesa ekitundu ky'Endagaano ekikyamu kubanga ekitundu ekyo kyali tekimuwa buyinza kuggya Kabaka ku Bwakabaka bwe..........***

Omulamuzi olwatuuka awo lwe lwamala, abantu abaali munda mu Kooti n'ebweru tebaamulinda kugenda mu maaso, ne basaanuuka lumu ng'abaduumire ne bawowogganira waggulu nti"

***"Gavana teyalina buyinza kuwaŋŋangusa Kabaka".***

Olwo kyali kiwedde abantu ne basaasaanira ekibuga n'obubuga nga Katwe, bwayise, Nateete, n'obulala obwetoolodde Kampala nga

bagenda bayisa ebivvulu nga bwe baleekaana nti" ***Omusango tugusinze, Gavana teyalina buyinza kuwaŋŋangusa Muteesa!"*** Bo abaasigala mu Kooti baasiriikirira Omulamuzi n'amalayo ensala ye. Kyokka abantu bangi tebaategeerera ddala nsala. Apolo Kironde abantu baamutuukirira abannyonnyole bwe gubadde era yabategeeza nti Buganda ku nsonga omunaana yali esinze ssatu ate oluuyi lwa Queen ne lusinga endala. Kironde yasuubiza okujulira mu Kooti ya East Africa ejulirwamu ku nsonga ezaali zisinze Buganda.

Omusango nga guwedde gavumenti Enkuumi yafulumyawo ekiwandiiko era n'etuma ba D.C. mu Buganda bagende nga bategeeza Abaganda balekere awo okweyibaala mbu baasinga omusango n'okusuubira nti Gavumenti ya Queen egenda kukyusa ku nsala yayo ebaddize Muteesa. Baalumiriza nnyo nti okuva Omulamuzi naye bwe yakikakasa nti Muteesa yamenya endagaano bwe yagaana okukolera ku magezi Gavana ge yali amuwadde, Muteesa tagenda kudda ku Nnamulondo ya Buganda. Gavumenti yawa amagezi Abaganda balonde mangu Omulangira asobola okulya Obuganda mu kifo ky'okukaabira amata (Muteesa) agaali gayiise. Naye amagezi ago gonna Abaganda gaabayitanga ku nviiri era ne bagenda bugenzi mu maaso na kujaguza nga bwe baali basinze omusango.





# BUGANDA MU NTEEKATEEKA EMPYA

Okutuuka ku ntandikwa ya November 1954 bingi byali bimaze okubaawo mu Buganda ne mu Bungereza. Gavumenti eyali ewa§§angusizza Kabaka yali evuddeko nga n'Omukulu w'Amatwale omupya, Allan Lennox-Boyd, yali omu ku Bakungu ba Bungereza Kabaka Muteesa be yali amaze okutegeeza ku nsonga ze era eyalabika nga yali azitegedde bulungi era ng'alumirwa embeera Muteesa gye yalimu. Ne mu Uganda, Resident P.Birch naye yali avudde mu Gavumenti ng'asikiddwa C.L.Richards. Enkyukakyuka eno teyali mbi n'akatono ku ludda lwa Kabaka Muteesa ne Buganda, kubanga ebikonge ebyaliwo mu kuwang'angusa Kabaka byali bigenze bimogoka, ate ng'okwo kw'ossa ebyava mu nsala y'omusango gwa Kabaka n'ebyali mu Alipoota ya Hancock. Olwo gavumenti ya Bungereza yatandika okulowooza ku kukyusa ku nsala yayo, gye yali eyita ey'enkomerero, mu nsonga za Kabaka.

Ensonga gye baawa yali nti kubanga ensala y'omusango ne Alipoota ya Hancock byali bireeseewo embeera empya etaaliwo mu kusooka mu Buganda. Mu kiseera kye kimu abantu ba Buganda n'Olukiiko okugugubira ddala ne bagaana okulonda Kabaka omulala, kyali kirabika nkukunala nti singa Kabaka Muteesa takkirizibwa kudda mu Buganda, Olukiiko lwali terugenda kuyisa enteekateeka empya ez'obufuzi Professor Hancock ze yali amalirizza okuteesa n'akakiiko ke. Nga November, 16, 1954 Omukulu w'Amatwale, Lennox- Boyd, yalangirira mu lukiiko lwa Bungereza, era mu kiseera kye kimu ne mu Uganda Gavana Cohen naye n'alangirira mu lukiiko olukulu olwa Buganda, nga Gavumenti ya Queen bwe yali yeteeseteese okukyusaako mu nsala yayo singa Olukiiko lwa Buganda lulikkiriza okuyisa enteekateeka Professor Hancock ze yali akoze okulongoosa enfuga ya Buganda. Gavana yayogera bwati:

***Nga wayise ebbanga lya myezi mwenda, Olukiiko nga lumaze okukkiriza okugoberera Enteekateeka za Hancock ez'eby'obufuzi, lugenda kusalawo okulonda Kabaka omuggya oba okukomyawo***

*Muteesa.......*" yali tannamaliriza bye yali ayogera abantu bonna ne baleekaanira waggulu nti: *"Ffe twagala Muteesa!"* Katikkiro Kavuma yakanda kubakomako Gavana amalirize bye yali ayogera nga buteerere bo bongera kukkaatiriza nsonga yabwe ya kwagala Muteesa yekka awatali kabaka mulala. Abantu beeyongera okwecwacwana nga bajjukiza Gavana nga bwe yali talina na buyinza okuwaŋŋangusa Kabaka era nga beewuunya ate bye yali ayogera. Gavana yalemererwa okwongera okwogera bw'atyo n'akwata empapula ze nafuluma Olukiiko n'alinnya mmotoka ye n'addayo e Ntebe.Ekiro ekyo Abakulu abasatu, Katikkiro, Omulamuzi n'Omuwanika baasula emitima gibeewanise nga tebamanyi kinaddirira anti mu byafaayo bya Buganda nga tekibangawo okunyomoola Gavana ng'ayogera eri Olukiiko nga bwe kyali kw'olwo. Enkeera Abakulu baaweereza okwetonda kwabwe n'okwa gavumenti ya Buganda eri Gavana olw'ebyaliwo mu lukiiko. Gavana okwetonda yakukkiriza nga bw'agamba nti okutabulatabula kwava mu bantu abaali ebweru w'Olukiiko so si munda mu lwo.

Ebyo bwe byali tebinnabaawo, Nnabagereka yagendako e Bungereza okulaba ku Ssaabasajja. Teyalwayo nnyo n'akomawo mu Buganda. Ng'akomyewo waaliwo ekifaananyi ekyalabika mu mawulire nga Ssaabasajja agenze ku kisaawe ky'ennyonyi okulinda Nnabagereka.Ekifaananyi kino kyalaga Kabaka ng'asitudde akasanduuko ka Nnabagereka. Kino ekya Kabaka okuba nga yatuuka n'awasitula ssanduuko ya Nnabagereka kyabakuba wala era ne bamanya nga Kabaka wabwe yali mu nnaku mpitirivu.

Alpoota ya Hancock yafulumizibwa mu November 1954, era ng'Olukiiko lumaze okugisoma abantu bangi baagiwakanya era katono lugigaane lwa nsonga zino:

- ***Gavana yayagala eyisibwe bulambalamba nga tekyusiddwamu. Kino ne kinyiiza Olukiiko.***

- ***Alipoota teyayogera ku nsonga ya federation ya East Africa eyavaako okukwatibwa kwa Kabaka.***

- ***Dr Ernest Kalibbala, omu ku babaka abaali ku kakiiko ka Hancock, olwamala okuteeka omukono gwe ku Alipoota ng'agisemba, ate n'atandikirawo okugenda mu bantu mu kyama ate ng'aagiwakanya nti teyali ntuufu nti era Olukiiko terusaana kugikkiriza.***



N'olwekyo olukiiko lwasalawo okulondawo akakiiko akalala kagyetegereze. Kano ke kakiiko akaakulemberwa Michael Kintu ng'ali ne Rafaeri M. Kasule, Matiya K. Wamala, Dr. E.B.Kalibbala, Rev. Father J.K.Masagazi, Omulangira Badru Kakungulu, A.K.Sempa ne Yake M. Kyazze. Omuwandiisi wabwe yali C.M.S.Mukasa ne Joswa Luyimbazi Zake eyabayamba mu by'amateeka. Akakiiko kaasemba Kenneth Diplock, eyawoza omusango gwa Kabaka, abeegatteko era ekyo bwe kyali. Diplock yavanga London, emirundi esatu, ng'ajja okubeegattako mu nteesa zabwe era yabayamba nnyo.

Akakiiko ka Kintu tekalina kinene nnyo kye kaakyusa mu Alipoota ya Hancok, oluvannyuma nayo eyayisibwa Olukiiko lwa Buganda. Oluvannyuma era Akakiiko ka Kintu kaatumibwa e Bungereza kabage endagaano ya Buganda eya 1955 nga bagyesigamya ku Alipoota ya Hancock. Balooya bano be baakiikirira Buganda, Keneth Diplock ne R.L.MacEwan, ate Dingle Foot ne Flegg ne bakiikirira Kabaka.

## COHEN ASISINKANA MUTEESA

Nga 16, June 1955 Omukulu w'Amatwale, Lennox-Boyd yategekawo akabaga mu maka ge kwe yasembereza Kabaka n'abantu ba Kabaka abalala mu kiseera ekyo abaali mu Bungereza. Mu baagenyi abalala be yayita mwalimu Gavana Cohen, Richards, Resident wa Buganda, Dreschfield, Attoney General wa Uganda nabo abaali mu Bungerza nga beetabye mu kubaga Endagaano ya Buganda eya 1955. Ssaabasajja yali asabiddwa atuuke luvannyumako. Yatuuka awerekerwa Omulangira Henry Kimera mu kitiibwa kinene nnyo. Gavana ne Kabaka baatuuzibwa ku kameeza kamu era kabakyaza yayogera mu ngeri y'okusaaga nti: ***"Mmanyidde ddala nga mwembi mulina bingi bye mwagala okwogerako."*** Cohen ne Muteesa emboozi yagwiira ddala amakerenda kubanga baatandika okunyumya okuva ku ssaawa musanvu okutuusa ku ssaawa mwenda ez'emisana.

Olwava ku kijjulo ekyo Omukulu w'Amatwale yagenda butereevu mu lukiiko lwa Bungereza, House of Commons, n'abannyonnyola enteekateeka ezaali zikolebwa okusobozesa Kabaka okuddayo mu nsi ye. Yabategeza nti kino kikolebwa kubanga embeera mu by'obufuzi bwa Buganda yali erongoose nnyo ekyali kitaasuubirwa. Yabategeeza ne ku ndagaano eyali ekolebwa okunyweza ebyali bikkiriziganyizibbwako. Ku kijjulo kino n'Omumbejja Dorothy Nassolo, omubereberye wa Muteesa, naye nga yali mu ddwaliro ng'ajjanjabibwa obulwadde bwa polio, yaleetebwa naye n'abeerako. Enkeera Gavana Cohen bwe yamanya eddwaliro Omumbejja mwe yali, yagenda n'amulaba era n'amusaasira obulwadde. Ekikolwa kya Gavana kino kyasanyusa nnyo Kabaka. Omumbejja yasiibulwa mu ddwaliro era n'akomawo e Buganda nga July 12, 1955.



*Omumbejja Nassolo ng'ali ne maama we awamu ne Jajjaawe mu ddwaliro*

## ENTEEKATEEKA EMPYA KU BUGANDA ZANJULWA

Ku lwa July 22, 1955, Omukulu w'Amatwale, Lennox- Boyd, yagenda mu lukiiko lwa Bungereza olukulu, House of Commons, n'ayanjula ensonga za Kabaka wa Buganda we zaali zituuse era n'agamba bwati:



*"Mmaze okukkiriziganya n'olukiiko lwa Buganda ku by'Endagaano ya Buganda empya ejja okwongerwa ku Ndagaano ya 1900 n'okugirongoosamu. Endagaano eno empya, okusinga yesigamizibbwa ku Alipoota y'Akakiiko akaalondebwa olukiiko lwa Buganda okwetegereza ebyo ebyakkirizibwa akakiiko k'e Namirembe era ababaka ba Buganda bakkirizza okugyanjulira olukiiko lugisembe ng'emaze okukyusibwa mu Luganda.*

*Kye tusinze okulwako mu kuteesa kwaffe kwe kutabaganya Abaganda kye baagala nti Kabaka alissaako omukono ku Ndagaano eno empya ng'ali munda mu Buganda n'eryoka ekola. Ate n e bye nnayogera nga 16, November 1954 nti gavumeni y a Queen, nga tennaba kukkiriza Kabaka kuddayo, enkola empya mu by'obufuzi esaana emale kutandika mu Buganda. Obuzibu bwa kino tubuvvuunuse kubanga Ababaka nga bamaze okwebuuza ku lukiiko lwa Buganda, bakkirizza ekirowoozo kye nnaleeta nti enkola empya egenda kutandika ng'ayita mu Ndagaano ey'ekiseera, erikola okutuusa ng'Endagaano yennyini lw'eriteekebwako omukono gwa Kabaka ng'azzeeyo mu Buganda.*

*Nga wayise ssabbiiti mukaaga oluvannyuma lwa Baminisita ba Buganda n'Ababaka ba Legico okulondebwa mu nteekateeka empya, olwo Muteesa alikkirizibwa okudda mu nsi ye era eyo gyalissizaako omukono ku Ndagaano awamu n'okutuukiriza emikolo gyonna egiriba gyetaagisa. Nkakasa nga munaasanyukira wamu nange okutegeera nti kakati ekkubo ey'okuzza Buganda obuggya ligguse era n'okulongoosa enkiiko ebbiri, Executive ne Legislative, eza Uganda, okwakkiriziganyizibwako mu November omwaka ogwayita, nakwo kujja kubaawo. Nnina essuubi nga Buganda ejja kwetaba mu nkyukakyuka zino zonna mu bujjuvu. Gavana n'abamuwa amagezi babade nange mu kuteesa kuno kwonna era kati bali mu kkubo baddayo mu Uganda okwetegekera enkyukakyuka zino n'okulaba nga zigenda bulungi."*

Ebyo Omukulu w'Amatwale bye yayogera ensonga za Buganda we zaali zituuse era Olukiiko lwa Bungereza ne lumatira. Naye mu Uganda mwalimu ebintu bibiri ebyali byagala okugootanya enteekateeka zino:

- Aba Uganda National Congress bwe baalaba nga tebalina mubaka ku kakiiko akaali kagenze okubaga endagaano empya eya Buganda baatuma ababaka babwe, I.K.Musaazi, Jolly Joe Kiwanuka n'abalala e Bungereza bategeeze Omukulu w'Amatwale nti abantu ba Uganda eby'okukola endagaano empya ne Buganda si bye baali baagala mu kiseera ekyo, wabula baali basaba Uganda eweebwe okwefuga okwo munda (self rule) amangu n'embiro; nti ekyo bwe kitaakolebwe bo bagenda kulangirira nga bwe batandise okwefuga bokka. Wabula baasaba Kabaka Muteesa ateebwe mangu asobole okudda mu nsi ye awatali bukwakkulizo bwonna. Aba U.N.C bwe baatuuka mu Bungereza Omukulu w'Amatwale yagaana okubalaba nga bw'awanuuza nti tebaalina buwagizi ebweru wa Buganda okuggyako mu Buganda ate nga Buganda yalina ababaka baayo mu nteeseganya ezaali zikomekkerezebbwa. Obutalaba Mukulu wa Matwale tekyabagaana kutuukirira mpapula za mawulire be baategeeza ensonga zabwe zonna mu bujjuvu.

- Ensonga endala yali ya Bayindi okulondebwa okufuuka Baminisita mu gavumenti ya Uganda. Mu April 1955 Gavana yali amaze okulangirira nti ku Baminisita omusanvu be yali agenda okulonda kwali kujja kubaako n'omuyindi. Olwawulira ekyo Olukiiko lwa Buganda ate ne luttukiza okulwanyisa gavumenti ey'ekintabuli gye lwali lumaze ebbanga nga emu ku nsonga ze lwateekanga mu maaso ga gavumenti ya Bungereza nga lugiwakanya.

Okuteesa nga kuwedde mu Bungereza n'endagaano ng'ewedde okubaga, ababaka baakomawo mu Buganda okuggyako Thomas Makumbi ne Nnaalinnya Ndagire. Nnaalinnya yasigalayo ng'abeesabeesa ku Kabaka. Eby'okudda kwa Kabaka nga byengedde bwe bityo, abantu ba Buganda baali batandise okufuna ku buweerero. Ne Ssaabasajja naye yagenda n'akyalako e Bufalansa era eyo Omulangira Badiru Kakungulu ne James Lutaaya gye baamusanga nga bagenze okumulabako.



Ku lwa 1, August 1955, Mikairi Kintu eyakulembera abaatumibwa okubaga endagaano empya, yakomawo e Buganda nga n'endagaano emuli mu nsawo. Nga 12, August Olukiiko lwa Buganda lwateesa ku ndagaano eyo nga lukubirizibwa Paulo Kavuma, Katikkiro wa Buganda. Katikkiro yannyonnyola nga bwe kyali kyetaagisa okuyisa endagaano eyo n'okugikakasa kubanga endagaano eyo obutateekebwa mu nkola kye kyokka ekyali kikyasibye Kabaka okukomawo e Buganda. Mu bufunze ebikulu ebyali mu ndagaano byannyonnyolwa bwe biti mu bbaluwa, Kenneth Diplock, omuwolereza wa Buganda gye yawandiikira Olukiiko.

## EBBALUWA YA DIPLOCK

Buno bwe bubaka obwali mu bbaluwa ya Diplock eri Olukiiko lwa Buganda:

***"Gavumenti ya Queen esaana ekkirize Ssaabasajja Kabaka Muteesa nga ye Kabaka wa Buganda era nga y'omu ku bateekwa okubeera mu ndagaano yonna ekwata ku nteekateeka ya Buganda n'Eggwanga erigikuuma. Gavumenti ya Queen esaana ekkirize ng'entegeka y'obufuzi eriba ekkiriziganyizibbwako, esaana eyingizibwe mu mateeka a Uganda mu ngeri etegeerekeka obulungi. Olwo nno nga gye bujja singa wabaawo ekintu kyonna ekyetaaga okwebuuzibwako wabe nga waliwo obuyinza obw'okugenda mu mbuga z'amateeka n'okutuukira ddala mu lukiiko lwa Queen (Privy Council) lwennyini mu kifo kya Protectorate gavumenti okuba nga y'emala enkaayana nga bwe kibadde.***

***Ebigambo bino byombi gavumenti ya Queen yabikkiriza mu ndagaano ey'ekiseera ey'okukola mu weeks ntono okutuusa ku kudda kwa Kabaka. Abaligissaako emikono ye Gavana ku lwa Queen wamu n'abantu basatu Kabaka b'alironda. Ate yo Queen wamu n'abantu basatu Kabaka b'alironda. Ate yo endagaano enkakafu Ssaabasajja Kabaka Muteesa y'aligissaako omukono mu maaso b'abantu be ng'amaze okukomawo mu nsi ye. Ku ky'okuyingiza Endagaano ya Buganda mu mateeka ga Uganda, gavumenti ya Queen etadde akakalu nga eyisaawo ekiragiro (order in council) ekijja okubaamu ebigambo ebikakafu ebinasobozeanga Kabaka n'olukiiko lwa Baminisita be ku buli nsonga ekwata ku kifo kye, oba ku mirimu gye, okusaba High***

*Court ya Uganda okusalawo ku buli kigambo ekinabanga kibuusibwabuusibwa, ensonga zituusibwe mu mbuga esingira ddala obukulu mu British Commonwealth, n'akakiiko akasala emisango, Privy Council, mu London. Kino kigambo kikulu nnyo ekijja okukuuma Buganda, era kwe kugenda mu maaso, nze nga bwe mmanyi, okwali kubaddewo mu nsi ezikuumibwa Bungereza.*

*Endagaano ya 1900 yalimu bigambo eby'amateeka nga bitabudwatabuddwa n'eby'obufuzi. Ng'olulimi lwe baabiwandiikamu terukomekkereza kigendererwa. Kino kye kimu ku byaleeta omutawaana mu November 1953 n'obuzibu olukiiko lwe bwasanga mu kunoonya eddagala ery'okuwonya akabi kano mu mbuga z'amateeka. Ku luno wabaddewo okwegendereza mu kukakasa ng'olulimi olweyambisiddwa lwelwo olumalayo ebyagala okutegeezebwa era olutatabulatabula makulu. Mu kulowooza kwange, ebiwandiiko ebigenda okwanjulirwa olukiiko nsaba lubikkirize nga bituufu ddala mu mateeka. Era kyali kya mukisa okufuna Professor Hancock kubanga singa teyajja n'alongoosa endagaano ya 1900, gavumenti ya Bungereza yali yeeremye okuzza Kabaka Muteesa."*

Oluvannyuma ebbaluwa omwali ebirowoozo bya Ssaabasajja nayo yasomerwa Olukiiko ng'ekuutira ababaka okuteesa n'obwegendereza. Kabaka teyalagira kuyisa oba okugaana Endagaano eyo. Ebbaluwa ya Ssaabasajja yali esoma bw'eti:

21 Eato Place, London
6 August 1955.

Katikkiro n'Olukiiko lwa Buganda,

*ENDAGAANO EMBAGE KU BUFUZI MU BUGANDA*

*Ng'Olukiiko bwe lwalagira Ssentebe w'Akakiiko n'abamateeka abaakola omulimu gw'okubaga Endagaano ndyoke nange ngisomemu era ngiweeko ekirowoozo kyange; Nga nnyambibwa abawi b'amagezi bange, nsomye era nnetegerezza Endagaano eyo. Era n'ensonga eziri mu ndagaano eyo ze nnali nneetaaga okwetegereza ab'akakiiko baazinnyonnyola nga bakyali eno mu London.*



*Endagaano eyo eyisibbwa mu mitendera mingi okuntuukako, era ndowooza ng'ekoleddwa n'obwegendereza abakugu mu mateeka ab'enjuyi zombi awamu n'obukiiko obwateekebwawo Olukiiko olukulu. Nolwekyo nsubira ng'Olukiiko bwe lunaasiima okuyisa Endagaano eno kijja kumala olw'ekiseera ekyo ekigereddwa eky'emyaka omukaaga. Nsanyuse okulaba nga wateekeddwawo ekiseera ekyo ekigere, ebiri mu Ndagaano eyo lwe biriddwamu nate okulowoozebwako.*

*Ku kitundu ekifa ku bweyamo bwange obwetaagibwa okuyingiza mu Ndagaano eno, nze awamu n'abawi b'amagezi bange twamala okukyogerako ne gavumenti ya Queen ne tukkiriziganya nti kiriba gyendi okukissa mu bigambo byange bye ndyogera mu Bulange mu lukiiko ku lunaku olw'okukakasizaako Endagaano eno. Olwokubanga okudda kwange kwesigamye ku kumala kuyisa n'okuteeka mu nkola Endagaano eno, ndowooza nga sisaanye kulwisa lukiiko ku bino. Era kubanga mu Ndagaano kikkirizibwa nti mu myaka mukaaga tewali kirigaana obusonga obutonotono okukwatibwako oluvannyuma nga waliwo okukkiriziganya ku njuyi zombi.*

*Kyakkaanyizibwako mu ndagaano nze okulonda ababaka bange ku bwange abanaakola nga Baregenti n'okuteeka emikono ku Ndagaano ey'ekiseera mu linnya lyange. Amannya ga Baregenti abo gajja kuweerezebwa mangu, Katikkiro aganjulire Olukiiko nga lumaze okuteesa kwalwo.*

*Nga mmaliriza sirema kwebaza omulimu ogukoleddwa obukiiko bwonna era n'abawi b'amagezi abayambye ku nsonga eno enkulu ennyo. Nsuubira ng'Olukiik lujja kuteesa n'obwegendereza. Mbaagaliza emikisa mu kuteesa kwammwe.*

*Muteesa Kabaka.*



***Parma Ntanda yategeezangaKabaka ebyafanga e Buganda***

Endagaano kuwedde, Katikkiro Kavuma yasituka ne yeebaza abantu bonna abaatumibwa Olukiiko okukola ku nsonga eyali esuza obubi ennyo Obuganda, ey'okuzza Kabaka Muteesa ku Bwakabaka. Era yeebaza Bapuliida n'abantu abalala bonna abaayamba mu lutalo luno olwali lusemberedde okuggwa. Oluvannyuma Omwami E.M.K.Muliira, omu ku babaka b'olukiiko era eyali ennyo mu bigambo by'okukomyawo Kabaka, naye yasituka ne yeebaza Katikkiro ne gavumenti ye olw'obutetenkanya obungi era n'obukwata mpola bwe baalaga nga bakulembera eggwanga lya Buganda mu kiseera ekya kazigizigi eggwanga ne litagwa mu nnyanga.

## KABAKA ADDAMU OKUKOZESA OBUYINZA BWE

Nga 13, August 1955 Kabaka Muteesa yasinziira mu London n'awulugumya essimu ey'olukomo eri Katikkiro n'alonda Baregenti basatu okukola mu kifo kye okutuusa lwalikomawo. ***Omulangira Badru Kakungulu, Festo Manyaŋŋenda ne Andereya Sekiti Kyemwa.*** Ebbaluwa ebakakasa ku bwa Regenti yaleetebwa Omwami Musa Parma kuva ewa Ssaabasajja e London nga 16, August 1955. Okuva olwo Paul Kavuma, Matayo Mugwanya ne Latima Mpagi, Gavana be yali alonze nga Baregenti lwe baakoma olwo ne basigala ku bwa Minister. Baregenti abapya Gavana yabalayiza nga 15, August 1955. Bwe baamala okulayira ne balyoka bateeka



emikono gyabwe ku ndagaano ey'ekiseera kulwa Kabaka ne Gavana n'ateekako ogugwe ku lwa Gavumenti ya Queen. Olwo Endagaano empya n'etandika okukola.

Nga 17, August, 1955 Sipika w'Olukiiko omubereberye n'alondebwa era Raphael Kasule ye yabulya ng'amyukibwa yake Kyazze. Olwo Katikkiro n'alekera awo okukubiriza Olukiiko nga bwe kyali mu nkola enkadde. Nga 18, August, Olukiiiko nga lukubirizibwa Sipika Raphael Kasule lwatuula okulonda Katikkiro mupya era abantu bana be baavuganya ku kifo kino. Michael Kintu, Matayo Mugwanya, Paul Kavuma ne Daudi Mukubira. Obululu okugenda okuggwa nga bugenze bwe buti:

- Michael Kintu obululu 40
- Matayo Mugwanya 37
- Daudi Mukubira 5
- Paulo Kavuma 4

Olwo Michael Kintu afuuse Katikkiro atannakakasibwa ng'Endagaano ya 1955 bw'egamba. Era olwokubanga yali tannakwasibwa Ddamula yasigala asula mu maka ge e Kabowa, Kavuma n'asigala e Butikkiro ng'alinda lw'aliddiza Kabaka Ddamula. Oluvannyuma lwa ssabbiiti bbiri era nga 3, September naye n'alangirira gavumenti ye eya Baaminisita bataano: ***Antonio Gita, Bulasio Kavuma, Amos Sempa, Kassim Male ne Daudi Mukubira.*** Gavumenti ya Buganda nga yetegekera okudda kw'Omutanda, yawereza e Bungereza shs 70,000/ -(emitwalo musanvu) okugula mmotoka ya Rolls Royce empya Kabaka mw'alitambulira ng'atuuse mu Buganda.

## GAVUMENTI YA UGANDA EMPYA

NGA 15, AUGUST, 1955 okusinziira ku Ndagaano ya Buganda empya ne Gavana yalina okulonda gavumenti ye empya era yalimu bano:

- T.Y.Watson — Natural Resources
- L.M.Boyd — Local Government
- G.B.Cartland — Social Services
- A.N.Maini — Corporations &Regional Communications

- C.Handley Bird — Commerce & Works
- C.K. Mungonya — Ass. Minister Social Services
- D.J.K.Nabeta — Parliamentary Sec. Local government
- G..Oda — Parliamentary Sec.Natural Resources
- W.Padley — Finance

Era Gavana n'alonda Dr. S.B. Kyewalyanga ne Mrs Pumla Kisosonkole okutuula ku Legico ku ludda lwa gavumenti. Olwo n'ababaka ab'okukiikirira Buganda ne balondebwa nga be bano: ***Apolo Kironde, I.K.Musaazi, Dr. E.M.Muwazi, Dr. B.Kununka ne Father J.K.Masagazi.*** Mu kulonda ababaka bano Buganda yalaga omwoyo ogw'obukulembeze bwe yalonda Dr. Kununka, Omusajja enzalwa y'e Bunyoro, olw'obusobozi bwe ne balekawo abasajja Abaganda abalala bangi abaalisobodde okuweereza ku lukiiko luno olwali olw'ebyafaayo. Oluvannyuma Gavana ng'amaze okulonda Apolo Kironde ku bwa minisita, Buganda yaddamu okulonda omubaka, ***Yusufu Bamutta*** okujjuza ekifo kya Kironde. Mu September era G+avana yalonda Yusufu Lule kuba Minisita wa Social Services olwo Apolo Kironde n'amumyuka mu kifo kya Mungonya. Olwo Legico erimu abakiise 60, nga 30 kubo bakiikirira bantu (Abaddugavu 18, Abayindi 6 Abazungu 6) ate nga ababaka 30 abasigaddewo bakiikirira gavumenti.

## OBUGANDA BWETEGEKERA OKUDDA KWA KABAKA

Mu September 1955, abantu ba Buganda baalaba ng'ennaku Gavana ze yalagirako okudda kwa Kabaka nga zigenda ziggwaayo, olwo ne batandika okusattira. Abaami be baasooka okulaalika abantu okujja e Mengo okuddaabiriza olubiri olwali luyiiseyiise era nga luzise ne munda. N'Olukiiko lwagenda okulaba ng'ennaku ziggwaayo ate ebintu nga tebinnaba kutereera kwe kuyisa ekiteeso ekikkiriza buli muntu eyesobola okujja okukola olubiri mu ngeri ya ***nnakyeewa.*** Abantu baagamba nti olukiiko lwalwawo nnyo kubanga singa lwali lukikoleddewo ebintu byalibadde byaggwa dda. Olwo abantu ne bava mu buli ssaza lya Buganda nga baleeta eby'okukozesa ng'emmuli, ebinsambwe n'ebirala nga basanyuka wamma emirimu ne gigenda bukwakku. Amasaza mu



Buganda gaakola emirimu mu ngeri ya kuvuganya. Okwo gattako amasomero ag'enjawulo agaaleeta abayizi nabo ne beenyigira mu kukolera Kabaka wabwe

## OLUNAKU LW'ABAKYALA

Nèwankubadde abakyala nabo bajjiranga wamu n'abasajja okukola olubiri, naye baalonda olwa 24, September 1955, lube lunaku lwabwe olutongole mu kukola e mirimu gyo mu lubiri. Abakyala baasinga kugenda kuyamba ku mugole wabwe, Nnabagereka, okulima olusuku lwe olwa ***Nnakyetengu*** olwalinga mu lubiri n'okulusimba obuto, okulima emisiri gya lumonde n'emmere endala n'enva. Amawulire ga ***Uganda Argus,*** agaafulumanga buli lunaku gaawandiika bwe gati:

***"Abakyala abajja okukola olubiri ku lwa September 24, baawera 4,000 n'okusingawo. Abakyala bwe bajja okukola tebeyanjula eri Katikkiro abalage we banaakola naye baagenda butereevu mu Twekobe. Nga bamaze okubuuza ku Nnabagereka baabagalira enkumbi zabwe okugenda okulima. Naye ku luno, olw'obungi bwabwe, kata baleetewo omutawaana so nga baali tebagugenderedde. Nnabagereka bwe yagera ekiseera kwe kugenda alabe ku mikwano gye abalima abeebaze. Abalimi bwe baamulaba ne baleekaana nga bwe bawanika enkumbi n'obwambe bwabwe ne bamwetooloola nga bwe bamukubira emizira. Ekiseera kyatuuka nga talina na w'ayita olw'obungi bwabwe okutuusa abakuumi ba Nnabagereka lwe baalagiriza emmotoka n'ejja, n'agirinnya n'addayo mu Twekobe nga yewuunya."***

Abakyala baalima n'okukabala ensuku 14,baasimba emisiri gya lumonde39, egy'ennanaansi 9, egya nnakati 4, ogw'ebbugga 1, egy'ennyaanya 3, egy'obutungulu 2, egy'endaggu 3, egy'ebinyebwa 5, egy'amayuuni 3, egy'akawo 3(ogumu gwasimbibwa bakyala Abanubbi ab'e Kampala, e Bombo n'e Kitubulu – e Ntebe) egy'emboga 5 n'obumonde obuzungu emisiri 5. Ensigo z'ebintu ebyo byonna bye baasimba bajjanga nazo ekikolwa ekyalaga okwagala kwabwe eri Ssaabasajja ne Nnabagereka.Nnabagereka yeebaza abakyala bano mu butongole ng'ayita mu mpapula z'amawulire.

## GAVANA COHEN ABOTOLA EKYAMA

Ku lwa September 22, 1955 Gavana lwe yaggulawo Legco eyasooka mu ntegeka y'obufuzi empya nga n'ababaka ba Buganda mwe bali. Ekikulu kye yasooka okwanjula mu lukiiko kyali nti Omukulu w'Amatwale yali awandiikidde Kabaka Muteesa ng'amutegeeza nti 17, October 1955 lwe lwandibadde olunaku kwe yandisaanidde okuddirayo ko mu nsi ye. Amawulire ago gaali ga ssanyu nnyo eri abantu ba Buganda ne Uganda okutwalira awamu. Era Gavana yayongera okutegeeza olukiiko nti ne Kabaka ebbaluwa yali amaze okugiddamu nga naye olunaku alukkiriza. Ku lwe 27, September, Katikkiro Kintu n'ategeeza Obuganda mu butongole nga naye agamba nti yali amaze okufuna essimu okuva ewa Ssaabasajja ng'amutegeeza nti ddala Kabaka yali wa kutuuka mu Buganda nga 17, October 1955. Okuva olwo abantu ne batandika okubala ennaku okutuuka ku lunaku ***mulindwa.***

Mu kiseera ekyo Kabaka yaweereza amannya ga basajja be be yali awadde okumuweereza ku kakiiko ke akagaba obwami, ***Buganda Public Service Commission,*** nga be baali:

- Omulangira Badru W. Kakungulu, ***Ssentebe***
- Samusoni Bazongere
- Erisa Nkooyoyo
- Petero Serumaga


Ate Omwami George Malo yalondebwa okuba Aide-de-Camp (Omukuumi wa Ssaabasajja owo ku lusegere). Malo yaliko Sub- Inspector mu Uganda Police naye mu kiseera kino yali yeekolera gigye. Kabaka bwe yali asigazzaayo nnaku bunaku okukomawo, Olukiiko ne lumutumira abantu bano, Matiya Wamala, Owekitiibwa Gita ne Rafairi Kasule, bamukime era badda naye.

## BAKYAYERAMBUGA

Bano be baali basajja ba Kabaka abaasalawo obutamwa birevu okuva Kabaka lwe yawaŋŋangusibwa okutuusa ng'akomyewo ku Bwakabaka bwe. Bakyayerambuga bano era baakolawo obweyamo obulala nti Kabaka lw'alidda be bagenda okwera Olubiri lwonna era nti balisula ebiro bibiri mu mu kifo w'aliba agenda okutuukira era ku luno kyali



kisaawe kya nnyonyi e Ntebe. Bwe batyo ku lwa 15, October 1955, ng'ebula ennaku bbiri Kabaka akomewo, Bakyayerambuga nga 5000 baagenda ne bayera Olubiri lwonna era bwe baamala ne batuma omukulu wabwe, Charles Serukeera, abayitire Nnabagereka bamulage omulimu gwe baali bakoze basobole n'okumusiibula bagende e Ntebe gye baali bagenda okusula nga balinda Kabaka wabwe. Nga bamaze okusiibula Nnabagereka baayolekera olw'e Ntebe, mu bungi oba oli awo n'okusinga abayera olubiri, ne bagenda okugumba ku kisaawe e Ntebe



*Bakyayerambuga mu lubiri*

## MUTEESA ASIIBULA MIKWANO GYE

Abantu ba Buganda baali nga beekeja bateekateeka okwaniriza Kabaka wabwe ate nga naye ali ku gwa kusiibula mikwano gye egyali gweze ekiseera kye yali amazeeyo. Ku lwa 11, October lwe yakola embaga makeke, kwe yayitira abantu abaasukka mu 400 abeebaze bye baali bamukoledde mu biseera bye yalimu ebizibu ate n'okubasiibula nga tannadda mu nsi ye. Kabaka Muteesa ayogerwako ng'eyali amanyi okukwana emikwano mu bantu ab'enjawulo ne mu mawanga era mikwan gye baamuyitanga ***King Freddie*** okulaga bwe baali okumpi ennyo naye. Omu k baaberanga naye e Bungereza yanyumiza omuwandiisi w'ekitabo kino nti obubaga bwa King Freddie ba Loodi (Lords) baabwagalanga nnyo. Engeri Abangereza aba waggulu gye

batera okuba ab'eggume, nga tebatera kukyalagana, nga Muteesa bw'abayita baafunanga omukisa okulabagana nga bwe beemiinsa n'obugirasi. Bano be bamu ku bakungu abaali ku kabaga kano: Archbishop w'e Cantebury, Duke e Wellington, Lord Loyd, Abakungu okuva mu Colonial Office ne bakyala babwe, Lord ne Lady Lucas Freyberg, Bishop Cyril Stuart (eyaliko Bishop w'e Namirembe era eyamutikkira Engule mu 1942), Earl of Listowell, King ne Queen Seretse Khama ow'e Boswana, Lord Justice Kenneth Diplock, Dingle Foot, Professor Hancock n'abalala bangi nnyo.



Mu bigambo bye eri abagenyi be yabagamba bw'ati: "*Mujja kwewuunya okubategeeza nti muli nnina okusaalirwa kunene nnyo okuleka ensi eno era nammwe mikwano gyange ababadde bannyamba ennyo mu ngeri ezitali zimu. Kino nkakasa nga mujja kukyewuunya kubanga ate nze kennyini nze mbadde nkola obutaweera, mu myaka gino ebiri gye mbadde wano, okulaba nga nsobola okuddayo mu nsi yange. Emyezi omukaaga egyasooka nga nakatuuka wano gyankaluubirira nnyo, n'okwetamwa ne*



***nneetamwa, naye kakati mbadde mmanyidde era nga njagala nnyo ensi eno........*** " Kabaka yagendanga ayitayita mu bagenyi be nga bw'anyumyamu nabo kinnoomu era nabo ne bamutegezezza nga bwe banaamusaalirwa.

Ennyonyi ezapangisibwa okuzza Kabaka zaali bbiri, emu yapangisibwa Buganda Gavumenti okuleeta emigugu n'abamu ku bantu ba Kabaka ate endala gavumenti ya Bungereza ye yagipangisa. Ennyonyi ey'emigugu yatuuka e Ntebe nga 16, October nga mulimu abasaabaze mwenda (9) era abamu kubo baali:A. Tamale, mrs Gwera Mwinyapempe, E.G.Ndawula,Fred Mpanga ne Mukyala Margaret Kavuma (Mrs Odaka). Ku Sunday 16, October, Abaganda amakumi ana bakkirizibwa okutuuka awali ennyonyi, ne bafukamira okusiibula Kabaka wabwe. Oluvannyuma ennyonyi yasitula okwolekera Uganda.Bano be bamu ku bantu abaawerekera Kabaka okumutuusa e Ntebe: Omulangira Henry (Rashid) Kimera, Nnalinnya Ndagire, Charles M. Mukasa eyali Private Secretary we, Parma Ntanda ssaabakaaki, Robert Ntambi gwe yagenda naye mu buwaŋŋanguse, Lameka Sebanakitta, Antonio Gita, Raphael Kasule, Paulo Kakembo, Tomasi Makumbi, Benedicto Kiwanuka, Abu Mayanja, Matiya Wamala n'abalala bangi anti ennyonyi yajjula bugule.

Ate bano b e bagenyi, mikwano gye nabo abajja naye okumusanyukirako: Lord ne Lady Diplock, Dingle Foot ne mukyala we, Flegg n e mukyala we, Downs ne mukyala we, MacEwan ne mukyala we, Mathieson ono ye yakiikirira Omukulu w'Amatwale, Lord ne Lady Hemingford, Pastor Lind ne mukyala we, Mukyala wa Bishop Stuart, Haddon, Rev. Michael Scott, Rev. J.Taylor, Collin Messel, Miss Joyce n e Lady Bennet.Abagenyi bano Abangereza Gavumenti ya Buganda yabayita babeerewo okulaba Abaganda bwe basanyukira Kabaka wabwe naye okusinga byonna babeewo ku mukolo ogw'okuteeka emikono ku Ndagaano ya Buganda eya 1955. Abagenyi bonna abaayitibwa okuva mu nsi ez'enjawulo okubaawo ku bikujjuko bino baawerera ddala lwenda (900).

Ennyonyi yabwe yayimirirako e Cairo mu Misiri n'e Khartoum mu Sudan mu bifo byombi Ssaabasajja gye yayanirizibwa n'ekitiibwa ekisaanira Abakulu b'ensi anti mu nsi zombi baamwalirira ekiwempe ekimyufu

n'akubirwa n'ennyimba ezaaniriza abagenyi abakulu ababa bakyadde mu nsi. Kyewuunyisa abantu b'e Misiri okwaniriza Kabaka mu ngeri eno kubanga baali bakagoba Kabaka Farouk ku Nnamulondo.Okuva e Khartoum ennyonyi yayolekera Ntebe.

## MUTEESA ATUUKA E NTEBE MU BUWANGUZI

Obudde okugenda okukya ng'ekisawe ky'ennyonyi e Ntebe nga kiwemberedde abantu abaali abazibu okumanya omuwendo gwabwe, ate n'oluguudo lwonna okuva ku Lubiri e Mengo, nga luwembereddeko abantu abataasobola kugenda Ntebe. Leero buli muntu we yasobolanga okufuna akaagaanya nga w'abeera asobole okulinda Omutanda. Abantu abo bonna ku nguudo ne ku kisaawe e Ntebe tebaakeera bukeezi wabula baasula mu bifo ebyo olw'okutya nti bayinza obutafuna mukisa kulaba ku Kabaka nga bw'akomawo kubanga eri abantu abasinga, okudda kwa Kabaka kwalinga ekirooto ng a kizibu okukkiriza nti Abangereza balisobola okumuzza ekyawulikikanga ng'obuwanguzi obutakkirizika eri Kabaka era bakkiriza bamaze kumulabako. Waaliwo Abaganda bangi, ng'omwo mwe muli n'abakozi ba gavumenti ya Kabaka, abaawalaazanga empaka nti tekirisoboka Kabaka kudda ne basingawo n'ebyabwe gamba ng'ente naye abalala ne batuuka wala bwe beewaayo okutemwako amagulu oba emikono singa aliba akomyewo. Naye ab'engeri eno embuto zatandika okubatokota n'emitima okubawoleza kye balikola bwe baamulaba ng'atonnya ku ttaka lya Buganda.

Mu bakulu abaamulinda ku kisaawe mwe mwali Gavana, Andrew Cohen eyauwaŋŋangusa, R.Richards Resident wa Buganda, Nnabagereka, Charles Gashonga omugabe wa Ankole, Kamurasi Rukidi Omukama wa Tooro, Henry Moloki Kyabazinga wa Busoga, Baregent ba Buganda, Abalangira n'Abambejja abakulu, Abakulembeze okuva mu nzikiriza z'Amadiini gonna, Abakulembeze okuva mu buli district ya Uganda n'abalala bangi nnyo. Ate waaliwo n'abaakiikirira ensi ez'omuliraano nga Kenya, Tanganyika. Leero ng'ekiri wali tekirojjeka era ndowooza tuba batuufu okugamba nti mu Buganda tewaasigalayo bantu.

Ng'ebula eddakiika nga ttaano okuwera essaawa essatu ez'enkya, ne waba okulangirira mu mizindalo nti ennyonyi ereeta Kabaka yali ya






kutonnya ku kisaawe ku ssaawa ssatu n'eddakiika ttaano era ku ssaawa eyo eyalangirirwa ennyonnyi kwe yatuukira. Abantu olwalengera ennyonyi mu bbanga, enduulu ebivuga n'amaloboozi g'ebivuga ebya buli ngeri ne bisaanikira ekifo kyonna. Mu ssanyu eritayogerekeka, ng'ennyonyi emaze okuyimirira n'omulyango gugguddwawo, Ssaabasajja yayerula olwo ensi n'egwa eddalu. Kyali kitegekeddwa nga Gavana ye yali ow'okusooka okwaniriza Kabaka ng'atuuse ku ttaka naye Nnabagereka teyamulinda n'alinnyalinnya amadaala g'ennyonyi okugenda okusisinkana mukwano gwe era omuzira wa Buganda.Yaamugwa mu kifuba n'amunywegera. Oluvannyuma Ssaabasajja yakkirira mpolampola amadaala olwo Gavana n'amwaniriza mu butongole bwe yamugamba nti,*"Nsanyuse nnyo okulaba ng'okomyewo mu nsi yo*." Abaganda baasiima nnyo ekikolwa kya Nnabagerek a nga bwe bagamba nti kye yakola kye kyali ekituufu. Omumbejja Nassolo ye yaddirira Gavana ate kuye ne kuddako ebikonge ebirala nga bwe byali bitegekeddwa.

Gavana aba akyanyumyamu ne Kabaka,Sendikwanawa, Omukongozzi wa Kabaka kwe kujja mu maaso ge, n'akutamako katono, olwo Kabaka n'atuula ku bibegabega bya musajjawe n'amwebagajja wuuyo ku mmotoka eyali egenda okuseeyeya okwolekera olugendo lw'eKampala n'e Mengo ng'etwala ekkula lya Buganda. Kyali kya mukisa mubi Rolls Royce empya eyali eragiriddwa okukongojjeramu Omutanda yalwawo